

Kadaga (wakati) ng'agaba paadi.

# Kadaga atongozza okugabira abayizi paadi

OMUMYUKA asooka owa Katikkiro wa Uganda, Rebecca Kadaga atongozza enteekateeka y'okugaba paadi mu bayizi b'amasomero. Enteekateeka eno yagitongolezza ku ssomero lya Kyando P/S mu disitulikiti y'e Mayuge mu kibiina kye ekya Maama Kadaga Development Foundation ky'alimu nga omuyima waakyo. Kadaga yategeezezza nti abaana abawala basoomoozebwa okumalako okusoma ng'okufuna ebikozesebwa bino kimu ku bibasoomooza olw'obwavu. Yeeyamye n'okukolera eggombolola y'e Bukatube amakubo agali mu mbeera embi n'okusuumuusa Bukatube Health Centre III okutuuka ku mutendera gwa Health Centre IV. Omukwanaganya w'ekibiina kino, Hannington Kagombero yalaze bwe bagenda okutalaaga amasomero ag'enjawulo nga bagabira abayizi paadi basome awatali kusoomoozebwa. Mu nteekateeka endala, mulimu okuzimbira abakadde amayumba n'okubangula abayizi mu misomo gy'omu mutwe. Ssentebe wa disitulikiti y'e Iganga, Ezera Gabula yasiimye Kadaga olw'okukola ku bizibu bya Busoga eby'enjawulo n'asaba abakulembeze abalala mu kitundu okumuwagira okusinga okumulwanyisa.